Looting and corruption of the Tutsi Junta in UK.

Posted by Balyokwabwe - 2008/06/02 15:30

Check this out:-

Uganda VIP passports targeted by UK police

Julian Nakayiwa

London

Carrying a Uganda diplomatic passport is turning out to be a huge burden when travelling to the UK. Barely two months after an adviser to President Yoweri Museveni was arrested on charges of money laundering in the United Kingdom, another prominent Ugandan has been searched for suspected drug trafficking.

Dr Frank Mwine, a one-time managing director of the former Uganda Commercial Bank, was found at the residence of Ms Hope Cove Asiimwe and searched by Plaistow Metropolitan Police who had come for a Class A drug search.

Mr Mwine, a diplomatic passport holder, arrived in the UK on May 29. At the London residence of Ms Asiimwe. All of Mr Mwine's belongings were searched but nothing criminal was found, a source close to the investigations said.

"We are still looking for other clues," the source said.

The police, however, appear to be more interested in Ms Asiimwe, and Dr Mwine's only problem seems to be carrying a Ugandan diplomatic passport, which is now regarded as a highly suspicious document.

The UK's Metropolitan Police are still investigating the matter, which has sucked in some British politicians. MPs; Lyn Brown and Steven Timms, for West Ham and East Ham respectively, are said to be keenly interested in the case, which was recorded at Plaistow Police Station.

Daily Monitor has reliably learnt that after the House of Commons went into recess, a couple of lawmakers prepared to question Prime Minister Gordon Brown regarding diplomatic passport holders from Uganda who pose a threat to security.

"How are we going to handle the criminals who enter the country with diplomatic passports?" an MP who declined to be named queried, adding that: "The Prime Minister (Gordon Brown) has to understand our position on this issue that, this is not politicking, but we want assurance that the terrorists cannot enter the country with such Ugandan passports."

Dr Mwine was searched at 43 Albatross Close, London Beckton E6 5NX, an address used by Ms Asiimwe, a Ugandan-born woman.

Ms Asiimwe's boyfriend, Mr George Kabyomera Junior, is currently serving a 12-year jail term at HM Prison Sherwood Nottingham for drug trafficking.

Questions about the possibility of terrorists travelling to the UK on Ugandan diplomatic passports are likely to be raised in the House of Commons this week.

The Mwine incident comes hot on the heels of the arrest of Mr Ananias Tumukunde, the presidential adviser who, on a trip to the UK, was arrested and charged with four counts of money laundering. Mr Tumukunde, who advises Mr Museveni on science and technology and was travelling on a diplomatic passport, will re-appear at Southwark Crown Court on June 4.

He was arrested, allegedly after a tip off by a section of Ugandans living in the UK, in a Scotland Yard operation to curtail the rampant international criminal acts of money launderers who may have links with Al-Qaeda cells.

Another well-connected Ugandan, Ms Rose Rosalind Birungi, an aide to Micro-Finance Minister Salim Saleh, was arrested and charged with Class A drug trafficking-related offences. In March, she was sentenced to a 12-year jail term. She was also travelling on a diplomatic passport.

==========

Re:Looting and corruption of the Tutsi Junta in UK.

Posted by Mirembe2007 - 2008/06/02 19:22

When those Red Books where given to those who were lucky they thought they got it all. Things falls apart as all of us know. Who would think that the Red Book Holders would be pointed at!!!! . Bulijjo omuntu bwawebwa ebilungi atera neyerabila nti biyinza okumufa olwenkozesa nenkwata jakuteemu ekyo ekimuwereddwa. Kyabuswavu nnyo nnyo nti mukifo kyokuyisawo ebintu ebyamakulu bagenda betiise ebikoola ebimenya amateeka nokuweesa ekitibwa egwanga akatabo ako kelivamu. Ekyo nekiswaza egwanga okukamala nalumanya nesalumanya bonna nebabaza olwekikolwa ekyakolwa abantu abolubatu obubatu. Bannange ffe abaalowoozanga nti akatabo ako kakuyisa nekuba Russia kati buli akalina bamwaza nebafiliza abantu abalina amazima nokukakozesa mumakubo gekasanidde okukozesebwamu . Omanyi bwowebwa obuyinza oyinza okulowooza nti ate gwe ani ayinza okukuba kumukono oba okukunkumula omukono byebyo bannange byetulaba kati naye temwewunya nakatono kubanga obuyinza obulimu okulya enguzi nobutaba nabwenkanya ebyo byebireta.

==========

Re:Looting and corruption of the Tutsi Junta in

Posted by omumbejja - 2008/06/03 03:41

Gavt okulwanyisa Kabaka kye kikyayisizza NRM http://connectuganda.com/images/fbfiles/images/1212342739zulu.jpg

Bya Dr. Lulume Bayiga

GAVUMENTI yaffe ekoze ensobi nnyingi era ezimu ku zo kwe kufuula obulyake ekikolwa ekyabulijjo. Okulagajjalira embeera y'abantu babulijjo n'okukooko-onya abantu enfuga eya demokulaasi kyokka nga kati yeefunyiridde okuvuvuba abantu okwogera ku bibaluma y'emu ku nsonga lwaki buli gy'osimba owa NRM akalulu bw'atakabba oba okugulirira ennyo aviiramu awo ng'ayokya omusota.

Waliwo bangi abaali tebalowooza nti nsobola okumegga Anthony Mukasa owa NRM. Gavumneti ya Pulezidenti Museveni n'abagiwagira balowooza nti abantu bakyali ku biri eby'edda eby'okubalimbalimba nga babasuubiza ebintu ebitatuukirira. N'e ku mulundi guno bajja n'eby'okulimba bingi naye abalonzi baabakongooza bigere.

Okugeza omumyuka wa Pulezidenti, Polof. Gilbert Bukenya olumu yajja e Buikwe South ne mu Mukono mwonna, n'alagira abantu okusimba ebiroowa nti yali abafunidde abagagga ab'okubikolamu amafuta ga dizero.

Waayita mbale n'abagamba nti ekika ky'ebiroowa kye baali basimbye kyali kikyamu n'asuubiza okuleeta ensigo entuufu! Teyadda, azzeemu okulabika ng'anoonyeza munywanyi we Anthony Mukasa akalulu, atalina kirungi ky'akoledde bantu baffe. Bwe yazze olwo emboozi yabadde ekyuse, ng'anyumya bya muceere!

Abantu bakyalina ekkonda olwa Gavumenti obutabaako ky'ekola ku kirime kyabwe ekyali kibagaggawazza, vanilla eyagwa ebbeeyi ng'ate babiwulira nti ebweru abanene abali mu Gavumenti bamutundayo buwanana.

Ensonga endala egenda okuleeta obuzibu ya kukuumira bantu mu butamanya. Gavumenti yaleeta pulogulaamu y'a bonna basome kyokka abaana ebakonya. Pulezidenti Museveni bwe yagjja mu Buikwe South okunoonyeza munne obululu yalowooza nti abantu banaalya bisuubizo bya kutuwa disitulikiti ya Buikwe.

E mukono yokka eriyo ebibira kumpi 20 binnakyemeza bye batemye ne bassaamu emiti gya payini. Mabira baali bamutwala abantu ne bamubasuuza, ebyo byonna balowooza nti abantu bibasanyusa!

Mu bantu bangi mu Buganda wazzeewo endowooza nti Pulezidenti Museveni agezaako okvuluga Kabaka n'okuvvoola gavumenti ye. Balabira ku bintu ng'ebivumo ye ne basajja be bye bamuweereza, ate ye ng'asirise; ne balabira ne ku tteeka ly'ettaka wamu n'ebintu ebirala bingi ebikakasa nti osanga Mw. Museveni ne NRM balina ekikusike kye bategese okusaanyaawo Buganda. Ebyo byonna tebiyinza kubaagazisa muntu yenna eyeesimbawo ku kaadi ya NRM. N'olwekyo ekkonda e Buikwe South abalonzi baali balimalira ku NRM ng'ekibiina, sso si ku Mukasa ng'omuntu.

Nze ng'omu ndi musanyufu nti Bannayuganda batandise okukula mu byobufuzi. Kati tokyaleeta bikonge bikukubire kampeyini n'olowooza nti onoowuddiisa abalonzi.

Ate abantu bamanyi ebyobufuzi. Okugeza, bakimanyi nti Mw. Amama Mbabazi yeenoonyeza bibye, agezaako kulwanyisa Polof. Bukenya bamuwe eky'obumyuka bwa Pulezidenti. Mw. Michael Werikhe abantu abamu baamulaba ng'azze okugaba ssente e Buikwe ne bazizira; Hajati Janat Mukwaaya gwe baawa okulabirira eggombolola y'e Nkokonjeru naye bakimanyi nti tasaanira kubanga n'ekkubo elrigenda ewa kitaawe ffu, ne gy'akiikirira teri kukubo ddamu.

Kati olwo baali bayinza kwogera ki? Mw. Museveni bwe yajjira mu nnyonyi okuyigga akalulu abantu baakitaputa nti naye yali akkirizza nti enguudo mbi, zimulemye okukola!

Naye ng'okulonda bwe kwawedde, ekisinga obukulu be bantu baffe okufunamu. Abantu tebafaayo nnyo oba oli wa kibiina ki, kasita ebibala by'akalulu kaabwe bibatuukako mu ngeri y'amasomero, enguudo ne zikolebwa, eddagala mu malwaliro ne libeerayo, n'obayamba okubafunira obutale bw'ebintu byabwe.

Ng'enda kukolagana ne baminisita ab'enjawulo okubategeeza ebizibu by'abantu n'okuwa amagezi ku ngeri y'okubimalawo. Bulijjo oludda oluvuganya lubadde lulemwa okuwangula okulonda, kubanga akakiiko k'ebyokulonda kakolera ku ntoli za NRM , naye ku luno kaalabye omusana.

Dr. Bayiga ye mubaka wa Buikwe South. Yabitegeezezza James Kabengwa.,

Published on: Sunday, 1st June, 2008

==========

Re:Looting and corruption of the Tutsi Junta in UK.

Posted by rambuka - 2008/06/03 21:54

---

corruption---is mischief--and bad governace--for uganda----remeber--work hard--but dont steal..

==========